RE.AKAJANJA MU MUKWANO.

Posted by JeenaJulia - 2008/08/19 09:42

Akajanja kayinza okutta laavu

BULI mukazi alina engeri gy'asindamu omukwano ng'ali n'omwagalwa we. Engeri zino abasajja kwe basinziira okubaawulamu ebiti eby'enjawulo nga basinziira okubaawulamu ebiti eby'enjawulo nga basinziira ku nneeyisa yaabwe mu kisaawe ky'omukwano.

Abasajja bagamba nti waliwo abakazi abateeka akajanja akasusse mu mukwano. Ab'ekika kino ne bw'aba mu bantu afuba okulaga obwannannyini ku muganzi we. Bwe baba batambula ayagala waakiri omusajja amukwate mu kiwato oba ku mukono . Bwe mubaako we mutudde nga munywamu aba ayagaka beenywese n'okwekola obusolosolo obulala ensi esobole okutegeera nga mwe baagalana okukamala.

Abakazi ab'akajanja ate bwe batuuka mu buliri gubula asala. Embeera yonna agissaamu akajanja akasusse. Bw'atuuka okugaba amasaza ayingizaamu n'atakwatibwako anti akalaaca k'abiteekamu kasukka, n'ali ku bibye n'ategeera ekigenda mu maaso. Ayinza okusiita, okuwoloma, okufeesa, okusikondoka awulira n'atuuka okulowooza nti bamuttira mu miguwa.

Ate waliwo n'abakazi abateeka ensonyi ezisusse mu mukwano. Bwe muba mu kisenge okweyambula kumutwalira ebbanga n'asooka yeegaanya ng'atamanyi kyamuleese. Ebiseera ebisinga ebintu ayagala mubiriire mu nzikiza oleme kwetegereza bwe yakula, ate bw'otobeera na maanyi gawera oyinza okulemwa anti buli kimu kibeera kya mpaka.

Omukazi ow'ekika kino ne bwe mubeera naye mu bantu yeekomomma ng'alina atayagala bantu kumanya nti mwagalana.

Ekika ky'abakazi ekirala abasajja be batayagala b'ebo ab'eggume. Bano mu buli nsonga yonna munne abeera ng'amukaka obukasi. Yeegayirira mwegayirire basobole okwesanyusaamu ye n'abeera ng'atalina ky'agenda kuganyulwamu. Bwe batuuka mu kitanda omusajja yeefaako yekka nga ye nnakyala agudde eri ebirowoozo biri walala. Tateeka bisoko mu mboozo ya mukwano era emikolo bwe giggwa munne tamufaako.

Eliyo no banno nga tebanamukwata nakko kyokka nga yatandise dda okukolobya,naye ate nze owekika ekyo muwagila kuba akuwa amanyi,omuntu omu yangamba nti mwana munne yamussa amababanyi,yali yeyambula ngeno bwanyenya ku kyensuti nokuwomeleza mungeli yee kyokka nga abikola kasobo mbu oli yawulira affa, akalega nakomunda yakutula bikutule nga awoza kimu tunagula ebipya.Awo ani yayolesa akajanja??

==========

Re:RE.AKAJANJA MU MUKWANO.

Posted by prettyd - 2008/08/19 21:07

---

jj awo tewaali wakajjanja obwo bwali bukodyo!mwana muwala yali amanyi kyayagala ate nga n'omwami bwatyo!abo baagwa draw!!!!

==========

Re:RE.AKAJANJA MU MUKWANO.

Posted by JeenaJulia - 2008/08/19 21:18

---

prettyd wrote:
jj awo tewaali wakajjanja obwo bwali bukodyo!mwana muwala yali amanyi kyayagala ate nga n'omwami bwatyo!abo baagwa draw!!!!

:laugh: :laugh: :laugh: Kyokka PrettyD leka kunseseza mukibunno nga ate nkyalina amanyo huhuhuhu mbu bagwa dulo.Nzenno nali ndowoza nti ono eyasunda ekyensuti nga enswa ensejere yeyalina akajanja.Ebintu byomukwano wama dala Haruna yabilaba mbu bibuza buza.

==========